OKUKKIRIZA

Okukkiriza: Ebirimu

Eby'okuwandiika

Ekibiina 1:

I. Enyanjula y'okukkiriza.
II. Enjigiriza ya baibuli ku kukkiriza.

Ekibiina 2:

II. Enjigigiriza ya baibuli ku kukkiriza (okwongerako).

Ekibiina 3:

III. Kyeki, lwaki, wa,ddi,ngeri ki era kwani okukkiriza.

Ekibiina 4:

IV. Okukkiriza nga kukolera wamu n'obulokozi era n'okutukuzibwa (okwongerako).

Ekibiina 5:

IV. Okukkiriza nga kukolera wamu n'obulokozi era n'okutukuzibwa (okwongerako).
V. Okumaliriza eky'okuyiga kyaffe ku kukkiriza ; Ekigezo.

OKUKKIRIZA

Eby'okuwandiika -

Okukkiriza: Ebigezo

Obubonero 20 bwoyinza okufuna mu bibuuzo bino

1) Wa era nyonyola ebintu bitaano ebiva mu kukkiriza (empapula 48,49).

2) Okukkiriza kyeki? (empapula 50-52).

3) Wa era nyonyola engeri ezenjawulo 4 mu kukkiriza (olupapula. 57).

Obubonero 10 bwoyinza okufuna mu bibuuzo bino

1) Wa ebika byokukkiriza 4 (olupapula. 47).

2) Wa ensibuko z'okukkiriza 3 (olupapula 48).

3) Wa ensonga 2 eziraga omugaso gw'okukkiriza (olup. 49).

4) Damu ekibuuzo: "Okukkiriza kwaffe kuliwa?" (olup 53).

5) Kozesa Yok 11:39-44 onyonyole okukkiriza okutaziyizibwa (olup. 54).

6) Tutegeeze engeri 2 mwetuyinza okuzimbira okukkiriza kwaffe (olup. 56).

OKUKKIRIZA

I. Enyanjula eri okukkiriza.

Eby'okuwandiika

Eky'okulabirako Ky'omuwandiisi:

Omusajja yali alinya olusozi. N'agwa. Nakwata mangu ettabi. Naalalira ku ttabi era naleekaana bamuyambe.

Emboozi:
Omusajja: Waliyo omuntu waggulu eyo?
Edoobozi: Ye...Ndi wano.
Omusajja: Y'ani oyo?
Edoobozi: Nze Mukama.
Omusajja: Mukama...Nyamba!
Edoobozi: Onesiga?
Omusajja: Ye mukama. Nkwesigira ddala nyo.
Edoobozi: Kirungi. Kaakati...va ku ttabi .
Omusajja: Kiki!
Edoobozi: Nkugambye va ku ttabi.
Omusajja: (oluvanyuma lw'okusirikirira) Waliyo omulala waggulu eyo?

Sa muno eky'okulabirako kyo:

OKUKKIRIZA

Eby'okuwandiika -

A. Amazima g'okukkiriza.

1. Kizibu oluusi okuba n'okukkiriza. Okukkiriza kitegeeza ,nti ebintu byonna tebiri mu buyinza bwaffe. Okukkiriza kitegeeza nti tetutegeera kintu kyonna era nti tetusobola kukola bintu byonna. Singa tubadde tuso bola okufuga,okutegeera,n'okutegeera ebintu byonna, twetwandyetaaze kukkiriza.

2. Song'ate, tekiri bwekityo, twetaaga okukkiriza. Ate oluusi ekkubo ly'okukkiriza lirabika nga si lyelisinga obulungi. Liyinza nokulabika nga bbi nyo. Obulamu bwokukkiriza si bwangu, naye obulamu obutali bwa kukkiriza tebusoboka.

B. Okukkiriza Kweetagibwa.

1. Nolwekyo, twetaaga okuyiga essomo ly'okukkiriza. Twetaaga okulitegeera era nobukalubo bwalyo.

2. Ekisingira ddala obukulu, twetaaga okusoomozebwa tubeere mu bulamu obwokukkiriza.

II. Eky'okuyiga kya Baibuli ku Kukkiriza.

A. Engeri z'Okukkiriza.

1. Okukkiriza kirabo kya Katonda (Bef 2:8).

2. Okukkiriza kibala kya Mwoyo (Bag 5:22).

3. Okukkiriza kirabo kya Mwoyo (1Kol 12:9).

4. Okukkiriza gwe mulimu gwa Katonda (Yok 6:29).

5. Okukkiriza kuva mu mutima (Bar 10:9,10).

6. Okukkiriza kukkiriza leero ekyo ekisuubirwa enkya (Beb 11:1).

B. Enyinyonyola y'Okukkiriza.

1. Okukkiriza okutaliko kkomo (Yok 11:39-44).

2. Okukkiriza okutuukiridde (Yak 2:22).

3. Okukkiriza okunene (Mat 8:10).

OKUKKIRIZA

Eby'okuwandiika

4. Okukkiriza okw'omuwendo (2 Peet 1:1).
5. Okukkiriza okutukuvu (Yud 20).
6. Okukkiriza okwetowaaze (Luk 7:6, 7).
7. Okukkiriza okutono (Mat 8:26; 17:20).
8. Okukkiriza okwamazima (1 Tim 1:5).
9. Okukkiriza okwabulijjo (Tit 1:4).
10. Okkukiriza okwekyenkanyi ffena kwetwaweebwa (Bar 1:12).
11. Okukkiriza okwawamu (Mk 2:5).
12. Okukkiriza kubaamu okukola ebitakoleka (Mt 14:28, 29).

C. Ebika by'Okukkiriza.

1. Okukkiriza okw'okulokoka (Bar 10:9, 10).
2. Okukkiriza okw'akaseera (Luk 8:13).
3. Okukkiriza kwamagezi g'obuntu (Yak 2:19).
4. Okukkiriza okufu (Yak 2:17, 20).

D. Ebikola Okukkiriza.

1. Okukkiriza mu Katonda (Yok 14:1).
2. Okukkiriza mu Kristo (Yok 20:31).
3. Okukkiriza mu byawandikiibwa Musa (Yok 5:46).
4. Okukkiriza mu byawandikiibwa bannabbi (Bik 26:27).
5. Okukkiriza mu Njiri (Mk 1:15).
6. Okukkiriza mu bisuubizo bya Katonda (Bar 4:21).

OKUKKIRIZA

Eby'okuwandiika -

E. Ensibuko z'Okukkiriza.

1. Okukkiriza okuva mu Baibuli (Yok 20:30, 31).
2. Okukkiriza okuva mu kubuulira (Yok 17:20).
3. Okukkiriza okuva mu Njiri (Bik 15:7).

F. Emigaso gy'Okukkiriza mu bulamu bw'Omukristaayo .

1. Okubeera abalamu olw'okukkiriza (Bar 1:17).
2. Okusaba (Mat 21:22).
3. Kyakulwanyisa (1 Bas 5:8; 1 Tim 1:18, 19; 6:12; Beb 10:22).
4. Okuziyiza omubi (Bef 6:16).
5. Okuwangula ensi (1 Yok 2:13-17; 5:4).
6. Okufiira mu kukkiriza (Beb 11:13).

G. Ebiva mu Kukkiriza.

1. Okusonyiyibwa ebibi (Bik 10:43).
2. Okutukuzibwa (Bik 13:39).
3. Ogibwaako omusango (Yok 3:18).
4. Ogibwaako okufa kw'omwoyo (Yok 11:25, 26).
5. Obulokozi (Mak 16:16).
6. Obulamu obutagwaawo(Yok 3:15,16).
7. Ekitangaala ky'Omwoyo (Yok 12:36, 46).
8. Obulamu bw'Omwoyo (Yok 20:31).
9. Okutukuzibwa (Bik 15:9).
10. Ofuuka omwana wa Katonda (Yok 1:12).

Eby'okuwandiika

11. Oba n'omukisa ogw'okusemberera Katonda (Beb 3:12).

12. Obusika (Bik 26:18).

13. Emirembe n'ekiwumulo (Bar 5:1).

14. Okuwebwa omukisa (2 Byom 20:20).

H. Ebiragiro by'Omwoyo ku Kukkiriza.

1. Okunywezebwa mu kukkiriza (1 Kol 16:13; Bak 1:23).

2. Okweyongera mu kukkiriza (Bik 14:22; 1 Tim 1:19).

3. Okubeera n'amaanyi mu kukkiriza (Bar 4:20-24).

4. Okunywerera mu kukkiriza (2 Kol 8:7).

5. Okusaba okukkiriza kweyongere (Luk 17:5).

I. Obukulu bw'Okukkiriza.

1. Buli ekitava mu kukkiriza kiba kibi (Bar 14:23).

2. Okukkiriza kwe kusimibwa Katonda (Beb 11:6).

3. Okukkiriza kulina amakulu (Bag 5:6).

4. Okukkiriza kweetagibwa mu kusaba (Yak 1:6).

J. Ebiziyiza Okukkiriza.

1. Mat 15:23; Luk 5:18, 19.

2. Mak 5:35; Yok 9:24.

K. Ebigezesa Okukkiriza.

1. Okulwaawo (Yok 11:3-6).

2. Ebyetagisa nga bizibu okutegeera (Yos 6:3; Yud 7:7; 1 Bassek 17:9, 13; 2 Bassek 3:16; 4;3).

3. George Meuhler yagamba: “Katonda ayagala okwongera ku kukkiriza kwa baana be. Song'ate, emirundi egisinga abantu be tebagala kubongera kukkiriza kubanga waliwa omutango mungi ogw'okusasula. Wabaawo ebikemo n'ebigezo nga obuwanguzi tebunabaawo era n'okulwaawo nga enkomerero tenabaawo. Twetaaga okubifuna nabyo okuva mu mukono gwa Katonda. Nayo nkola ya Katonda okutwongera ku kukkiriza. Eno y'engeri y'obulamu obw'okukkiriza: ebigezo, ebiziyiza, ebizibu, ate oluusi n'okuwangulwa. Katonda byonna abikozesa nga emmere y'okukkiriza.”[1]

III. Ki, Lwaki, Wa, Ddi, Ngeri ki,ne Ani eby'okukkiriza.

A. Okukkiriza kyeki? Ssoma Beb 11:1 (“obukakafu” = upostasis mu Luyonaani).

1. Upostasis kitegeeza ekintu, ekirabika, musingi, bukakafu, obuyinza ku kintu.

2. Okukkiriza bwebukakafu bw'obuyinza ku kintu, nga ekyaapa(ky'ettaka), nga bibyo emirembe egitagwaawo (2 Kol 4:18).

3. Okukkiriza kwe kukkiriza mu Katonda awatali kubuuza kibuuzo kyonna (Beb 11:6).

4. Okukkiriza kwekumanya n'okukkiriza amazima mu Bar 8,28.Era okukkiriza kutegeera nti enkola eyinza obutaba ntuufu.

   a. Emirundi egimu enkola eyinza okubaamu ebitali "birungi.”

   b. Song'ate, enkomerero ya byonna eba nnungi.

5. Okukkiriza kutunulira eby'omumaaso naye ebikolwa eby'okkukiriza biba bya kaakati.

6. Okukkiriza kuteekwa okuva mu kiragiro kya Katonda. Kulina okusinziira ku buwulize. Okukkiriza okutasinziira ku kiragiro kya Katonda kuba kuteebereza.

7. Okukkiriza kulina enjuyi biri.

   a. Oluuyi olumu lukolera ku magezi.
   b. Oludda olulala lukolera ku kwagala.

OKUKKIRIZA

Eby'okuwandiika

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Kozesa akabbokisi kano akaddako okukubaganya ebirowoozo.

ENJUYI EBIRI EZ'OKUKKIRIZA

Amagezi	Okwagala kwo
Okumanyira ddala mu magezi go nti Yesu Katonda	Okuwaayo okwagala kwo eri Yesu nga ye Mukama
Katonda wange (Yok 20:28)	Mukama wange

8. Okukkiriza kulimu obugumu n'esuubi, kubanga okukkiriza kugatira wamu ebya kakaati n'ebyomumaaso.

   a. Obugumu bwa kaakati.

   b. Esuubi lya mumaaso.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Kozesa akabbokisi ako akaddako okukubaganya ebirowoozo.

Okukkiriza **(Heb 11:1)**

Obukakafu — Ebya kaakati — Obugumu

Ebisuubirwa — Eby'omumaaso — Esuubi

Okukkiriza = Obugumu + Esuubi

9. Olw'okukkiriza bino ebiddako bibaawo:

   a. Endowooza yesiga Katonda.

   b. Omutima gwewaayo eri okwagala kwa Katonda.

OKUKKIRIZA

Eby'okuwandiika -

c. Okwagala kwo kugondera ebiragiro bya Katonda.

d. Omwoyo gugonda okuwereeza Katonda.

10. Okukkiriza tekubuuza; kusukuluma ensonga lwaki.

a. Okukkiriza kukkiriza awtali kutegeera "Lwaki?"

b. Okukkiriza kuyimbira mukkomera (Bik 16:25).

c. Okukkiriza kwenyumiriza mu kubonaabona (Bar 5:3).

d. Okukkiriza kugumiikiriza okukolebwa obubi (Beb 11:25).

e. Okukkiriza byonna kubikkiriza nti kwagala kwa Katonda (Baf 1:12).

11. Okukkiriza kwe kutegeera. Okutegeera amazima geekyo ekitanaba kujja mu ndowooza yo ("ekitegeereza ddala ebitalabika" Beb 11:1; 2 Kol 4:18).

12. Ekibi kyolekanye n'okukkiriza:

EBYOLEKANYE (Bar 14:23)

okukkiriza	ekibi
kwabutonde okusinzira ku ntegeka ya Katonda (Beb. 11:3)	sikyabutonde okusinziira ku ntegeka ya Katonda (Bar. 1:26,27)
kuvaamu bulamu (Bef 2:8)	kivaamu kufa (Bar 6:23)

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo

OKUKKIRIZA

Eby'okuwandiika

B. Lwaki Okukkiriza Kwa Mugaso?

1. Obulamu bw'omukristaayo buba bwa lutalo lwa mwoyo. Bulamu bwa kwolekana kwa myoyo. Nolwekyo, ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda byetagisa. Okwongerako, okukkiriza kwetaagisa nyo, "ku ebyo byonna, nga mukwatiddeko engabo ey'okukkiriza" (Bef 6:16).

2. Awatali kukkiriza obulokozi tebusoboka (Yok 3:36).

3. Awatali kukkiriza tekisoboka kuwangula nsi (1Yok 5:4).

4. Awatali kukkiriza tekisoboka kusanyusa Katonda (Beb 11:6).

5. Awatali kukkiriza tekisoboka kusaba(Yak 1:6).

6. Awatali kukkiriza tekisoboka kuba na mirembe mu Katonda (Bar 5:1).

7. Awatali kukkiriza tekisoboka kuba na ssanyu. (1 Peet 1:8).

8. Tutukuzibwa lwa kukkiriza (Bag 2:16).

9. Tuba balamu lwa kukkiriza (Bag 2:20).

10. Obutukirivu tubufuna lwa kukkiriza (Bar 10:1-4).

11. Kristo abeera muffe lwa kukkiriza (Bef 3:17).

12. Omwoyo Omutukuvu tumufuna lwa kukkiriza (Bag 3:2).

13. Buli ekitali kya kukkiriza kiba kibi. (Bar 14:23).

C. Okukkiriza kwaffe kuva wa?

1. Okukkiriza kwaffe kuli mu Katonda (sindowooza, nkola, omugendo, obumanyirivu, oba omuntu). Okukkiriza kwaffe kuli mu Katonda (Yok 11:26; Bag 2:16; Bak 2:5).

2. Era yitamu olabe ebikola okukkiriza ebiri mu kitundu II eky'essomo lino.

OKUKKIRIZA

Eby'okuwandiika -

D. Okukkiriza kulina kubaawo ddi?

1. Twetaaga okukkiriza bulijjo era mu bintu byonna.

2. Lowooza ku biri mu Nge 3:5, 6 ne Bar 14:23.

E. Okukkiriza kukola kutya?

1. Waliwo ebika by'okukkiriza 3 ebisangibwa mu Yok 11:21-44. Ebika by'okukkiriza bino, kwe kukkiriza okukugiddwa, okukkiriza okw'okumusingi, n'okukkiriza okutakugirwa.

   a. Maliza yalina okukkiriza okukugiddwa, (Yok 11:21). Okukkiriza kwa maliza kwakoma Lazaalo bwe yaffa. Yalina okukkiriza nti Yesu yandiwonyeza Lazaalo naye teyalina kukkiriza nti ayinza okumuzuukiza mu bafu.

      1) Okukkiriza okukugiddwa kuyinza okuziyiza amaanyi ga Katonda (Mat 13:58).

      2) Okukkiriza okukugiddwa kufugibwa mbeera.

      3) Okukkiriza okukugiddwa kuwagirwa entiisa y'okulemererwa.

   b. Maliza yalina n'okukkiriza okw'okumusingi (Yok 11:23-27). Yagamba nga bwamanyi Kristo mu magezi ge, naye amagezi gano gavaamu okukkiriza okukugire. (Laba Mak 10:27). Era ekyava mu kukkiriza okwo okukugire, Yesu yakaaba.

      1) Okumanya Kristo mumagezi kikulu nyo, naye tekimala.

      2) Okukkiriza kulina okussuka okumanya Kristo mumagezi.

   c. Maliza oluvanyuma alaga okukkiriza okutakugiddwa (Yok 11:39-44). Ku nkomerero Maliza yakiriza Yesu okugyawo ejjinja. Yalina okukkiriza okutakugirwa.

      1) Ensi egamba nti "Okukiraba kwe kukikkiriza."

      2) Okkukiriza kugamba nti, "Okukikkiriza kwe kukiraba."

      3) Okukkiriza kwe kusooka okulaba.

OKUKKIRIZA

Eby'okuwandiika

2. Okukkiriza kuteekedwa kusinziira ku buwulize (Mat 14:28-32).

   a. Okukkiriza kusinziira ku kigambo kya Katonda.

   b. Peetero teyatambulira ku mazzi. Yatambulira ku kigambo kya Katonda. Mu lunyiriri 29, Yesu agamba Peetero nti "jangu" (laba ne Bar 10:17).

   c. Okukkiriza kwa njawulo ku kuteebereza.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Kozesa akabbokisi akaddako okukubaganya ebirowoozo.

AKAKWAKULIZO	KY'OSINZIRAKO	KY'OKOLA
Okukkiriza	Kubikulirwa okuva eri Katonda	Obuwulize
Okuteebereza	Eky'okulabirako ky'omuntu omulala	Okufaanana

   d. Nolwekyo, tetugamba, nti kaakati njakutambulira ku mazzi. Nja kuba n'okukkiriza kwa Peetero. Tuteekeddwa okufuna okubikulirwa kwaffe okuva eri Katonda. Tewali ayinza kutambulira mu kukkiriza kwa mulala. Okukkiriza kwaffe kulina okukwatagana buterevu ku nkolagana yaffe kinoomu ne Katonda. Naye era, tuteekeddwa okujjukira nti waliwo ebiragiro bingi mu Baibuli nga ebirina okukola eri Abakristaayo ebiseera byonna.

   e. Bwetujja amaaso gaffe ku Yesu ne tunulira ebirala nga embuyaga n'amayengo amanene ag'amaanyi) tutandika okubbira. Okubuusabuusa kuleeta okutya. Okutya kuleeta obutaba na kukkiriza. Tuteekeddwa okukuumira amaaso gaffe ku Yesu. (Beb 12:2).

   f. Bwetutaba na kukkiriza, olwo twetaaga okukowoola Yesu (Mat 14:30b).

   g. Yesu atuwaayo omukisa omulala okutambulira mu kukkiriza. Mat 14:32 kyatulaga kiri nti Peetero yatambulira ku mazzi bweyali ng'addayo mu lyato.

h. Tukomekereza nti okukkiriza kutandikira ku nkolagana yo ne Katonda. Mu nkolagana eyo Katonda akuwa okubikulirwa oba ebigambo eby'okungamya. Olwokukkiriza tulina okugondera okulungamizibwa.

3. Tuyinza okuzimba okukkiriza kwaffe.

   a. Tuyinza okuzimba okukkiriza kwaffe okuyita mu kusaba n'okusiiba (Mat 17:20, 21).

   b. Tuyinza okuzimba okukkiriza kwaffe nga tuwulira n'okusoma Baibuli (Bar 10:17).

4. Okukkiriza kwaffe kweyongera amanyi, bwe tuyiga, netutegeera, netukkiriza mu bukulu bwa Katonda n'ebisuubizo bye.

   a. Tuteekedwa okukkiriza nti Katonda asobola okukikola(Obukulu bwe).

   b. Tuteekedwa okukkiriza nti Katonda ayagala okukikola (ebisubizo bye)

F. Abantu ab'okukkiriza be baluwa?

1. Soma era ofumiitirize ku Beb 11. Tunulira abantu n'ebikolwa by'okukkiriza

2. Wansi lwe lukalala lweby'okulabirako by'abantu ab'okukkiriza:

Endagaano Enkadde	Endagaano Empya
Lub 22:8	Bik 27:25
Yos 14:12	Mat 8:5-10
1 Sam 14:6	Mak 5:25-34
1 Sam 17:37	Bik 6:8
2 Byom 20:12	Mat 9:28
Yob 19:25	Mat 15:28
Dan 3:17	Mak 10:46-52

OKUKKIRIZA

Eby'okuwandiika

IV. Okukkiriza Nga Kukolagana n'Obulokizi n'okutukuzibwa.

A. Katonda ye Nsibuko y'Okukkiriza.

1. Katonda agaba okukkiriza

2. Omuntu afuna okukkiriza (Bef 2:8-10; Baf 1:29).

3. N'olwekyo, Katonda ye mutandisi w'obulokozi.

B. Ebintu Ebina Ebikola Okukkiriza

1. Okumanya kwe kutegeera nti waliwo obulokozi okuyita mu Yesu.(Bar 10:17). Okumanya gwe musingi naye tekimala. Wetaaga okubaawo ekisingawo(Yak 2:19).

2. Okukiriziganya kitegeeza kugamba nti wewaawo eri ebiri mu Njiri, n'okugamba nti wewaawo eri ebyetaago by'Enjiri.

3. Okwesiga kitegeeza okwesiga Katonda n'okumwesigamako. Kino kirimu okufa eri obulamu bwo n'enkyukakyuka mu oyo gwe wesiga (Bag 2:20).

4. Okugonda kyekikakasa okukkiriza. Kyekiraga okukkiriza kwenyini okutuufu.

OKUKKIRIZA

Eby'okuwandiika -

C. Okukkiriza nebikolwa.

1. Okukkiriza kulina enjuyi biri

Eky'okubaganyakoEbirowoozo

Kozesa akabbokisi kano akaddako okukubaganya ebirowoozo.

ENJUYI EBIRI EZOKUKKIRIZA

Magezi	Kwagala kwo
Kutegeera	Kukola
Njigiriza	Bikolwa
Nzikiriza	Buwulize
Kukkiriza (MK 1:15)	Kweneya
Okukkiriza	Emirimu

Obulokozi n'okutukuzibwa
(Yak 2:14-26)

2. Okukkiriza n'emirimu bigendera wamu.

Eky'okulabirako Ky'omuwandiisi:
Enyumba ekutte omuliro. Ku mwaliiro ogw'okubiri kuliko akawala tekayinza kufuluma. Omusajja alekaana: "Buuka.. Nja kkubaka ." Kuludda olumu olw'okukkiriza akawala kamanyi nti omusajja gyali. Kuludda olulala era akawala kakkiriza nti omusajja wamaanyi nti era asobola okukabaka. Ekisingako, okukkiriziganya n'okukkiriza kuli nti akawala kabuuka.

OKUKKIRIZA

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

Eby'okuwandiika

3. Okukkiriza n'ebikolwa tebisobola kwawukana.

Eky'okulabirako Ky'omuwandiisi:

Biringa enjuba n'ekitangaala kyayo. Okukkiriza y'enjuba. Ebikolwa ky'ekitangaala. Okukkiriza okw'amazima kuvaamu bikolwa. Okukkiriza okulamu kuvaamu bikolwa. Enjuba ereeta ekitangaala. Bwewataba kitangala olwo enjuba eba nfu (Yak 2:26).

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

4. Omuntu agamba, "Nina okukkiriza okutaliiko bikolwa." Alinga omuntu azimba omusingi naye natazimba nyumba.

5. Omuntu agamba: "Nina ebikolwa awatali kukkiriza. Alinga omuntu atazimba nyumba ye ku lwazi (laba Mat 7:24-27). Enyumba telina musingi munywevu bulungi.

OKUKKIRIZA

Eby'okuwandiika -

Eky'okulabirako Ky'omuwandiisi:

Okumanya n'ekikolwa ky'obuwulize bifanana ebintu ebibiri byebatabula ne bakolamu omunnyo. Omunnyo bagukola mu sodiyamu ne kulolaidi. Byombi bya butwa. Sodiyamu atta omuntu. Kulolaidi atta omuntu. Naye ate bwogatta sodiyamu ne kulolaidi bivaamu bulamu na kuwooma. Bwebityo okukkiriza n'ebikolwa bwebikola. Ekimu nga tewali kirala kifanana obutwa naye bwebigatibwa awamu bireeta obulamu.

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

D. Entikko y'okukkiriza bwe bumu ne Kristo.

1. Okukkiriza kwenyini kwe kuba mu Kristo (Bef 1:3; 2 Kol5:17).
2. Era, Kristo muffe (Bag 2:20).
3. Mu Kristo,ne Kristo muffe (Bef 1:22, 23; 4:12, 13;Yok 15:4, 5).
4. Bino bya mwoyo ebitegeerwa okuyita mu kukkiriza kwokka.

V. Okukomekereza ku kuyiga kwaffe ku kukkiriza

A. Enono zokukiriza enkulu kumi

1. Omukristaayo alokoka lwa kukkiriza (Bik 16:31) era akuumibwa lwa kukkiriza (1 Peet 1:5).
2. Omukristaayo aba mulamu lwa kukkiriza (Bag 2:20).

Eby'okuwandiika

3. Okukkiriza kujja kugezesebwa emirundi mingi era mungeri nyingi (1 Peet 1:7).

4. Okukkiriza kugumiikiriza, era kumanyi okulindirira Katonda (Is 40:31).

5. Okukkiriza bulijjo kufuna obuwanguzi (1 Yok 5:4).

6. Oluusi okukkiriza kusingawokko ne ku bintu bya bulijjo (Mat 17:14-21).

7. Okukkiriza tekuwanika (Beb 11:32-39).

8. Okukkiriza tekufuula bintu kuba byangu naye kubifuula ebisoboka.

9. Okukkiriza kugamba nti, "Katonda atuukiriza okwagala kwe mu nze, n'olwekyo, nsobola okulinda.Nsobola okugumiikiriza.Nsobola okulumwa.

10. Mu nyanjula, twagamba nti kizibu okubeera n'okukkiriza. Okusingawo, jukira: byonna biyinzika eri Katonda.

B. Tetuteekwa kuleka bya mabega kutulemesa kubeera mu bulamu bwa kukkiriza.

Ebyokulabirako byomuwandiisi:

Enjovu baagisiba ku kati akatono. Enjovu yali esobola okuvaawo nga tefunye buzibu bwonna. Naye nno enjovu yagezaako okukutula nga ekyali nto, naye teyakisobola. Nolwekyo enjovu nelowooza nti telisobola kukutula. Kale toddamu kukkiriza by'oyiseemu eby'emabega okukuziyiza okubeera mubulamu obw'okukkiriza.

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

OKUKKIRIZA

Okukkiriza: Aw'okujjuliza

Eby'okuwandiika -

[1]Michael P. Green, Ed., Illustration for Biblical Preaching (Eky'okulabirako eky'Embuulira ya Baibuli) (Grand Rapids, MI: Baker Book House, 1989), olup. 134, 135.